| Essomo 3 | الدرس الثالث |
|---|---|

# AMATEEKA G'OKUSALA

Kabeera kakwakkulizo mubukwakkulizo eri ebisolo byokulukalu okuliibwa biteekwa okubeera nga bisaliddwa olusalwa obusilamu bwelukkiriza.
Nga nokusala kwekusala obulago bwekisolo ekiliibwa negikutulwa emisuwa gyakyo egyobulamu, era tekikkirizibwa kuliibwa ekisolo ekibeera kitasalidwa kuba kiba kibalibwa mubifudde byokka.

## Nomusazi aliko obukwakkulizo buno:

**1.** Omusazi attekwa okubeera nga ategeera, musilamu, oba nga ali muba Ahali likitaabu, takkirizibwa kusala oyo omugu weddalu oba omutamiivu oba omwaana omuto atannayawula kuba abo okusala kwaabwe tekuba kutuufu olwobutaba nabwongo butuufu era tetukkirizibwa kulya kasaze omukafiiri asinza ebibumbe oba asinza omuliro oba asinza entaana.

**2.** Okuwagala obulungi kyogenda okusazisa kibeere mubiso oba mumayinja nebilala ngojjeko elinyo oba egumba oba olwaala bino tekikkirizibwa kubisazisa.

**3.** Okkutula obulungi ensingo neddokooli nebilala mumisuwa ekisolo mwekiyita okubeera ekilamu mundya yakyo nga nekigendellelwa okubeera nga ebifo nebintu bino byebisalibwa kubeera kufulumya musaayi kubanga ekifo kino ekyobulago kigatta esuwa era bwegikutulwa kyanguyiza omwoyo gwakyo okuvaamu amangu nekilongosa enyamba yakyo nokwanguyiza ekisolo obutalumwa nyo nga kisalibwa.

Songa nekyo ekiba kilemeledde okusalibwa mukifo ekinyo nyo ddwa olwobutafuna kutebenkela mukusala mubulago, gamba okubeera nga tuyigga kiyigge nebilala, kubeera okusalibwa kwakyo kukituusako bisago mukifo kyonna kumubili gwakyo, era nga ekituuka kukisolo ekikubidwa nekintu ekizito oba ekyo ekigudde okuva ewantu ewawanvu oba ekitimeddwa nensolo zinnaakyo oba ekiyigiddwa nensolo bino byonna bikkirizibwa okuliibwa nakakwakkulizo mukukkirizibwa kwabyo kwekubeera nga bigenze okutuukwako nga bikyalimu obulamu nebisalibwa.

**4.** Omusazi ayina okusoma nga agenda okusala nti: Bismillah era kili sunna okwongela kubisimi nayongelaka takiniira nagamba nti: bismillah Allah akibar.

## EMPISA Z'OKUSALA:

**1.** Kitamwa okusala ekisolo ngokozesa ekiso ekitali kyooji
**2.** Kitamwa okuwagala ekiso ngekisolo kyogenda okusala kukulaba
**3.** Ekisinga obulungi kwekusala ekisolo ngokitunuzza mukibwa
**4.** Kitamwa okutkitemako ensingo nga tekinafiila ddala, ne sunna kwekusala ente nembuzi ngobigalamiza kudyo wabyo negamiya ngeyimilidde kumukono.